# Emyala egyasamye gitadde obulamu bw'ab'e Kawaala mu matigga

Bya BADRU MUGENYI

EMYALA KCCA gye yaleka nga tegimalirizza, gitadde obulamu bw'abatuuze n'abayise mu matigga era mu wiiki ssatu, abaana bana baguddemu. Kino kireeseewo akasattiro, abatuuze ne beekubira enduulu mu b'obuyinza.

Egimu ku myala egyasamye mwe muli oguli ebbali w'oluguudo olusangibwa mu Kawaala Central Zone nga luva ku malaalo ne lukwata n'oluguudo olunene olwa Northern By-Pass.

Abatuuze bagamba nti, enteekateeka z'okukola omwala guno zaali zitandise emyaka 4 emabega era baalaba ku ttulakita ng'etandise okusima ebbali w'ekkubo ne balowooza nti bagenda kubateerawo ebigoma, ekitaakolebwa.



Omwala oguli ebbali w'ekkubo nga bwe gufaanana.

Bano nga bassaawo embaawo n'emiti kwe basomokera, bagamba nti buli nkuba lw'etonnya emiti giseerera, abamu ku bayitawo ne bagwamu.

Abayitawo n'abatuuze bagamba nti oluguudo lwafunda nga kati mmotoka bbiri tezisobola kuyisiŋŋanyizaawo nga ne mukoka atambulira ttulakita we yasimoggola, ayongedde okussaawo empompogoma nga kati ebinnya biwanvu.

Saddam Nnende, omu ku batuuze yagambye nti, abakulembeze abaakalayira naddala bakkansala babayambe babatuusize eddoboozi lyabwe eri KCCA ebakolere emyala gino kuba abavuddeko tebakyalina busobozi kutuuka eri be kikwatako.

Ssentebe w'ekitundu kino, George Mbabaali yagambye nti, omwala gutadde obulamu bw'abantu ku bunkenke nga n'ebidduka bitandise okugwamu nga biyisiŋŋanya olw'okuba mukoka ayita mu mwala, alidde ekitundu ky'oluguudo.

Yasabye KCCA eyanguye enteekateeka y'okukola emyala egiyita ebbali w'oluguudo luno nga terunnatandika kusaanyaawo bulamu bw'abatuuze.

Eyaliko kkansala w'ekitundu kino mu lukiiko lw'eggombolola y'e Lubaga, Ahamed Kijjambu yagambye nti mu 2023 yawandiika ebbaluwa eri 'townclerk' w'e Lubaga, Thomas Ssentongo akole ku nsonga eno era n'asindika abakozi okuva mu kitongole ekivunaanyizibwa mu kukola emyala naye ssente ne zibaggwaako era omulimu ne bagukomya mu kkubo.

Yagasseeko nti, n'abatuuze kasasiro gwe basuula mu mwala guno aleetedde mukoka okubulwa w'ayita ekireetedde ekkubo okuliibwa nga mukoka anoonya w'ayita.

Omwogezi w'ekitongole kya KCCA, Daniel NuweAbiine yagambye nti, omwala ogwo baagusima nga batandise okukola oluguudo naye ssente ne ziggwaawo nga kati bali mu nteekateeka ya kuluddaabiriza lubeere mu mbeera ennungi nga bwe banoonya ssente ezirukola okutuukana n'omulembe.

## Abantu kye bagamba



Nazziwa Nayigaga: Ssinga baalaba nga tebalina ssente zigumaliriza, tebandigusimye naye kati kyenkana baasima ntaana mu maaso gaffe. Luli tewaali wasime nga tetweraliikirira nga kati.



Nsubuga Moses: Omwala tegwaggwa y'ensonga lwaki embeera eri bw'eti era ssinga batukkiriza ffe ne tukola buli omu w'ayita, osanga tunaafuna ku buweerero mu kitundu.



Rashidah Namirimu: Nze omu ku baakigwamu ne nkosebwa naye tusaba abavunaanyizibwa batutaase kuba abaana baffe bajja kufiira mu mwala guno ssinga tegubikkibwako.